**14th June 2015.**

# YESU KRISTO Y'ENSULO Z'AMAZZI AMALAMU.

**Yokaana 7:37 – 52.**

Nga bwe twatandika okulaba omulundi oguwedde, essuula yaffe eno ey'omusanvu era n'ey'omunaana zawandiikibwa mu biro by'embaga y'ensiisira Yesu gye yeetabamu nga bwe kyaali kigwaanidde buli musajja omuyudaaya eyabeeranga mu mailo 15 z'ekibuga Yerusaalemi, nga bwe kirambikibwa mu By'abaleevi 23:33-44. Era ku mbaga essatu; Ey'okuyitako, eya pentekoote, n'eyensiisira, eno ey'ensiisira ye yasinganga okujjumbirwa, nga yamalanga ennaku musanvu, mu zzo abantu mwe baasulanga mu nsiisira, era mu biro bya Yesu Abafalisaayo baali bongerezzaako n'omukolo gw'okusena amazzi, awamu n'okkuma kw'obutaala (butadooba), Yesu kwe yasinziira okubalangira nga bwe kibagwaanidde okunywa ku Yye ng'ensulo y'amazzi amalamu mu 7:37,38, n'era okuba Ekitangaala ky'ensi mu 8:12.

*Mu kusoma nny.37 – 39…….*

Tulaba mw'ebyo okwasanguza kwa Yesu Kristo okuba Katonda nga bwe kitugwaanidde okulaba mu buli lusoma lwe tunaaba nalwo mu kitabo ky'enjiri ya Yokaana, kubanga gwe gwaali omulamwa gwe omukulu nga bwe yakilambika mu ssuula 20:31.

N'ekirala tulaba nti okwanirizibwa kuweebwa buli omu, ng'ate kwangu, era kuluno akyanguyiza abawulize be okukitegeera amangu; nti kwaali kumukkiririzaamu okwaali kwetaagisa okubasobozesa okufuna ekyaali kibagasa.

Ebigambo bisatu ebyaakira mu kwaanirizibwa kuno gye bali; NNYONTA-JJANGU-NNYWA. Nga n'okubirowoozaako kuleeta endusu mu kamwa…

Tumanyi ffena nti ennyonta bwe bweetaavu obusinga obukulu eri buli muntu obugwaanidde okumatizibwa bw'aba anaaba mulamu….. "Amazzi bw'ebulamu".

Era mu ddungu baali bakimanyi bulungi kye kitegeeza, kubanga yabakwaatanga nnyo, era nga bwe ky'andibadde mu bifo ng'ebyo.

Naye ku lunaku olwo Yesu atanula okkibaggirayo nti mwena mukitegeere kino nti eyeetaaga okumatizibwa mu bulamu bwe ate asobozesebwe okumala ennyonta z'abalala, kimugwaanidde kukkiririza munze.

N’akirambika bulungi nti okunywa kwaali kukkiririza mu Yye, nti nga bwe kigwaanidde omuntu okunywa amazzi okuwona ennyonta eri omubiri gwe, okumukkiririzaamu kwe kuleetera obweetaavu bw’emmeeme zaffe okusisinkanwa. Yokaana akituvvuunulira mu lnny.39, ekyo buli mukkiriza mu Yesu Kristo kyagwaanidde okuba omumativi mu kkyo nti alina mu yye Omwoyo Omutukuvu kaakano kubanga Yesu Kristo yamala dda okugulumizibwa, mu kufa kwe awamu ne mu kuzuukira kwe, oli kwakiririzaamu okuba omulokole alina obulamu obutaggwaawo.
Era obubaka bw’enjiri bwangu nti “Alina ennyonta ajje anywe”( Kub. 22:17)
Wabula eky’ebuuzibwa ekikulu kwe kuba nti emigga egiva mu mitima gyaffe nga gya bbula? Awamu olaba matondo, awalala butonnyeze, wadde awalala oyinza okulaba ensulo, n’era olundi tulaba abo omufubutuka emigga gy’amazzi amalamu, kweggamba abandi ne tusoberwa!
Mu Baruumi 8:9 lugamba nti “Naye mmwe temuli mu mubiri, wabula mu mwoyo, oba ng'Omwoyo wa Katonda atuula mu mmwe. Naye omuntu bw'ataba na Mwoyo wa Kristo, oyo si, wuwe”.
Ate ne I Kkol. 12:13 lugamba nti “Kubanga mu Mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu mubiri gumu, oba Bayudaaya oba Bayonaani, oba baddu oba ba ddembe; fenna ne tunywesebwa mu Mwoyo omu”.
N’olw’ekyo kitugwaanidde ffena okutanula okutambulira mu Mwoyo oyo, okutuusa bwe kitufuukira ekya bulijjo, olwo ng’atujjudde, nga Baggalattiya 5:16, bwe lugamba olwo mu kubala ebibala eby’Omwoyo tube abo omukulukuta emigga gy’amazzi amalamu.
Kwe kusoomoozebwa okuli mu kinyusi ky’omulamwa gw’obuweereza buno; OKWAGALANA, N’OBUYIGIRIZWA…….. mu bbyo emigga mwe gigwaanidde okweefaanaanyiriza okuva mu ffe nga gikulukuta.

Wewaawo tukiraba nti nga bwe gwaali mu ssuula 4, kirabika ensonga y’okusisinkana obweetaavu bw’okuba n’ennyonta kwaalina ekigambo eky’amaanyi okukkiririzisa abantu mu Yesu, kubanga mu 4:14 Yesu yagamba nti “naye anywa amazzi ago nze ge ndimuwa ennyonta terimulumira ddala emirembe gyonna; naye amazzi ge ndimuwa ganaafuukanga munda mu ye ensulo y'amazzi nga gakulukuta okutuuka ku bulamu obutaggwaawo.”
Era kw’olwo Abasamaliya baakikakasa nti Ye yali Kristo Omulokozi w’ensi, nga bwe tukiraba mu nny. 40 – 43, mu ssuula yaffe eno 7 bwe tusomayo…………

Eky’ewuunyisa kwe kuba nti abo abaagaana okumukkiririzaamu ensonga gye baasinziirako obutakkiririza mu Yesu okuba Masiya, oba Kristo ate ye yali enkulu mu kubalaga nti ye yali yye! Bandibuuzizza nti omusajja ono yazaalibwa wa.
Okuva e Ggaliraaya mubutuufu kyaali tekimufuula Mugaliraaya, ng’okuva e Ntinda bwe kitakufuula Munantinda, ate ng’oli Munnamasaka… Ssi kkyo?

Era mwe tulabira n’obutakkiriza bw’Abakulembeze b’Abayudaaya abaali banoonya Yesu okumukwaata okuviira ddala ku ntandikwa gy’emikolo gy’embaga nga bwe twaalaba mu nny.25, 30 n’32, era ne 44…..
Era bwe tusoma nny.45 -53, tugambwa nti……
Nti bbo Abakulembeze ne bannaabwe abaagwa mu ttuluba ly’obutakkiriza, baalina obutakkiriza obugaana n’okumanyisibwa obutuufu bw’ensonga, oba oli awo obubafuula n’abasirusiru…. Nga Zzabbuli bw’egamba nti “Omusirusiru y’agamba nti “Tewali Katonda” (Zab.14:1).
Abaserikale baabwe bbo baakwaatibwaako ekigambo Yesu kye yasomesa, era bagamba nti tebawuliranga Musajja ayogera nga Yye!( Nga “mwe byemusomesa biwero”!).
N’era tulaba ensobi mu kutegeezebwa kwaabwe lwakuba kyaali kimanyiddwa nti bannabi Yona, awamu ne Nakkumu baali baava Ggaliraaya! N’olw’ekyo baali baasanguza butamanya bwaabwe na gyetuli ffenna, ekitera okuba n’abo abawakanya baibuli by’egamba….. gwe babuuze bye boogera byawandiikibwa wa? Owulire!

Naye mu kuvvuunika essuula yaffe eno mwe tugwaanidde okuba n’obujulizi obutuufu ku Yesu Kristo obutuleeterwa nga tunnywedde amazzi ge ag’obulamu, nsaba Mukama atwongere ennyonta gyaali, ffena tunywenga ku Kristo ensulo Z’amazzi amalamu bulijjo, muffe mweyongere okuva emigga gy’amazzi ago agakulukuta okutuukiriza okwaagala kwa Mukama emirembe n’emirembe.
Amiina.